EBIFAANANYI BYA MOSES KIGONGO



Don Wanyama, akulira Vision Group, eyategese omusomo.



Hellen Luganda, omu ku beetabye mu Pakasa ng'abuuza ebibuuzo.

# Bajjumbidde omusomo gwa Pakasa

## Basomeseddwa ku kukola bizinensi erimu abooluganda

Bya MOSES KIGONGO

ABASUUBUZI, baweereddwa amagezi ku ngeri gye bayinza okukolamu bizinensi ne ffamire zaabwe. Mu gamu ku magezi agabaweereddwa mulimu;


- Okugabana nabo ekifaananyi kya bizinensi ekigazi.
- Okubabuulira ennono ya bizinensi.
- Okuyingiza abaana mu bizinensi nga bakyali bato.
- Okubateekateeka obulungi.
- Okwawula bizinensi ku luganda.
- Okubasasula omusaala
- Okuwuliziganya n'okuwaŋŋana ebitiibwa n'ebirala.

Bino byabadde mu musomo gw'ebyobusuubuzi ogwatuumiddwa ***'PAKASA FORUM'*** ogwategekeddwa kkampuni ya *Vision Group* (efulumya ne *Bukedde*) ne banywanyi baayo abaakulembeddwa ekitongole kya Enterprise-Uganda nga gwabadde wansi w'omulamwa; ***'Okutondawo emikisa n'okuwa abantu amagezi g'okutandikawo bizinensi mu ngeri eneezikulaakulanya'*** (Creating Opportunities and Ideas of Growing Business).

Omusomo gwabadde ku ofiisi z'ekitongole kya Enteripse Uganda e Butabika ku munisipaali y'e Nakawa ku Lwomukaaga era gwetabiddwaako abalina bizinensi ez'amaanyi mu ggwanga abaakulembeddwa, Dr. Dennis Ngabirano ne Dr.Canon Gaster Lule, abakugu mu byenfuna, abakulira ebitongole bya gavumenti n'ebyobwannannyini, abasuubuzi n'abantu Ssekinoomu abalina ebirooto by'okwetandikirawo bizinensi.

Muno, abasuubuzi baaweereddwa amagezi ku ngeri gye bayinza okukolamu bizinensi ne ffamire zaabwe.

Ngabirano, nnannyini kkampuni ya " Psalms Food Industries' ekola ebyokulya bya Sumz, yalaze obukulu bw'okuteekawo engeri buli mulimu gye gulina okukolebwamu, ebigobererwa buli mukozi, enkwata ya bakasitoma, ssente n'ebirala awatali kuttira ku muntu yenna liiso omuli n'abooluganda.



Aga Sekalala Jr ng'asomesa.

Lule Ntake owa Ntake Bakery and Companies Ltd, yawadde abasuubuzi amagezi okuwuliziganya n'abeŋŋanda zaabwe naddala omukyala oba omwami n'okuwaŋŋana ebitiibwa mu bizinensi.

"Kirungi omwami n'omukyala okutuuza abooluganda naddala abaana bammwe ne mubabuulira engeri gye mwagala batambuzeemu bizinensi n'okubalaga ekifaananyi ekigazi gye mulaga," Ntake bwe yasomesezza mu katundu akaakubiriziddwa omukuŋŋaanya w'olupapula lwa *Bukedde*, Micheal Mukasa Ssebbowa mu musomo guno.

Yawadde abakola n'abeŋŋanda amagezi okubateeka ku musaala kibataase okumala gatoola ssente za bizinensi mu seefu nga balina bye beetaaga okwetuusaako.



Gaster Lule nnannyini kkampuni ya Ntakke ne Ssebbowa, omukung'aanya wa Bukedde nga bakubaganya ebirowoozo.

### SSAAWO ENNONO EGOBERERWA MU BIZINENSI

Akulira kkampuni ya Uganchick, Aga Ssekalala Junior, yanokoddeyo ebintu omuli, okwawula bizinensi ku luganda, okuteekawo ennono egobererwa mu bizinensi, okukuza abaana obulungi, okubayigiriza okukola n'ebirala.

"Kirungi okuteekawo olusalosalo wakati wa bizinensi n'oluganda okwewala bizinensi okukosebwa singa mubeera mufunye obutakkaanya," Ssekalala bwe yategeezeza ng'ayanukula ebimu ku bibuuzo ebyabuuziddwa abeetabye mu musomo mu katundu akaabadde kakubirizibwa akulira pulojekiti ezenjawulo mu *Vision Group*, Sidney Miria.

Mu bantu abalala abaasomesezza mu musomo kwabaddeko, Dr. Ruth Biyinzika Kasolo akwanaganya enkola ya GROW mu ggwanga, Dr.Daniel Kisekka, n'abalala abaasomesezza ku nsonga ez'enjawulo ezikulaakulanya bizinensi omwabadde; engeri y'okuganyulwa mu nteekateeka ya GROW enuufu, engeri entuufu ey'okuwandiisa bizinensi n'ebirungi ebirimu, obukodyo bw'okukolagana n'ebitongole ebiwola ssente n'ebirala.

Omusomo guno gwavujjiriddwa kkampuni n'ebitongole okwabadde; NSSF, Pepsi, Centenary Bank, Pearl Bank ne Minisitule y'ebyensimbi era nga bano beebaziddwa, akulira *Vision Group*, Don Wannyama n'okusaba abaagwetabyemu okweyambisa obukodyo obwabaweereddwa okutandikawo bizinensi ezinaabakulaakulanya mu ggwanga.

Moses Mulondo, omukuŋŋaanya b'akatabo k'ebyobusuubuzi akafulumira mu *New Vision* era nga y'omu ku baabadde emabega w'okutegeka omusomo guno, yasuubizza okukwatagana n'ebitongole bya gavumenti n'abantu ssekinnoomu okutegeka emisomo egifaananako ogwa PAKASA okuyamba bakasitoma ba *Vision Group* okufuna obukodyo obutwala bizinensi zaabwe mu maaso.



Abamu ku bantu abeetabye mu musomo gwa Pakasa nga bawuliriza. Kozesa Digital Experience App olabe vidiyo.